# Embwa Ye Katwe

## David Lutalo

Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma ahaaa
Embwa yomugaga gyeyagirundira
Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma baagita
Embwa yomugaga gyeyagirundira.

Waliwo omusajja e Katwe Samanya
Yali Mugaga Alina enyo ensimbi
Yazimba Amaka kwokomya amaaso
Nomukyala omuto ngomukuumi
Yalina buli kimu mumaka ekirungi
Abakyala abakyusa buli kadde
Nga talina kyeyegomba maama
Aduula nokuduula ssebo
Nga wadde yalina obugaga bungi nyo
Yegomba ewaka obaako nembwa ye
Yagula akabwa nakalunda
Naye nga takata kudda walala
Kati yakula yagita naye ate etabuse
Yadde Mukama waayo emukyaye
Eruma buli agiyise mu maaso
Bwoyitira e Katwe ekulumba.

Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma ahaa
Embwa yomugaga gyeyagirundira
Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma baagita
Embwa yomugaga gyeyagirundira

Samanya lumu yagisumulula
Agiteeko nayo ewaka mbu yetaaye
Bweyagita yakuma omukyala
Nemuluma omutwe namagulu

Omukyala yakuba omulanga
Era omwami najja amutaase
Emulumye olubuto nemumaaso
Aliko kikuba Mukono
Omusajja yakuba embwa omuggo
Embwa nebuuka gate nga ekaaye
Yasibira mudaala gwa wali e Katwe
Neruma buli aliwo oooooh

Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma ahaa
Embwa yomugaga gyeyagirundira
Erabika yakwata lweruma
Town ye Katwe yantama nze
Agendayo gweruma baagita
Embwa yomugaga gyeyagirundira

Abantu bayiyizaayo enkola
Mwe basobolera okuyita kweno embwa
Naye ate banakuwavu bambi
Enkola mbi nkake era ekooya
Oyamabala kabuuti ne sepeewo
Overall socks ne gumboots
Newebika ne face yonna
Bwotyo tolaba gyogenda kulaga
Omulala bwatukako mu maaso
Nga alaba Teri kimukanga nga akyuusa
Overall ne sepeewo nga abisuula
So abijjako wali embwa emulinda

Erabika yakwata lweruma
.....embwa geruma
Town ye Katwe yantama
.....(kyokka oluteego olulese bbali)
Agendayo gweruma ahaa
Embwa yomugaga gyeyagirundira

Erabika yakwata lweruma
......embwa ngeruma
Town ye Katwe yantama
......(kyokka oluteego olulese bbali)
Agendayo gweruma baagita

Embwa yomugaga gyeyagirundira

Erabika yakwata lweruma
......embwa ngeruma
Town ye Katwe yantama
......kyokka oluteego olulese bbali
Agendayo gweruma ahaaaa
Embwa y'omugaga gyeyagirundira

Lyrics Submitted by Lydia Nalwanga Kamoga

Lyrics provided by
https://damnlyrics.com/